# Gavt. ekubirizza abasomi ku byemikono

Bya BADRU MUGENYI

MINISITA w'ebyenjigiriza n'emizannyo Janet Kataha Museveni akubirizza abazadde okwagazisa abaana okusoma ebyemikono bafune obukugu okutandikawo emirimu.

Obubaka buno yabutisse minisita avunaanyizibwa ku matendekero aga waggulu, John Chryzestom Muyingo mu kulangirira ebyava mu bigezo by'abayizi abasoma ebyemikono eby'omwaka 2025 ku kitebe kya Uganda Vocational and Technical Assessment Board (UVTAB) e Kyambogo.

Yagambye nti musanyufu kuba buli mwaka abayizi abasoma ebyemikono beeyongera. Yawadde obweyamo nti Gavumenti yaakwongera okuvujjirira amasomero agasomesa ebyemikono gafune ebikozesebwa omuli ebyuma eby'omulembe. Era Gavumenti yaakwongera okuweerera abayizi mu matendekero g'ebyemikono okuli n'abaliko obulemu.

Minisita Muyingo yasanyukiddeko abayizi abaatuula ebigezo kuba baabiyitidde waggulu era n'abaaniriza mu nsi y'emirimu. Yakinogaanyizza nti abasoma ebyemikono, batandikirawo okukola kuba baba bafunye obukugu nga n'eky'okukola bakimanyi.

Akulira UVTAB, Onesmus Oyesigye yagambye nti abantu bazudde ekyama mu kusoma ebyemikono kuba byattunzi nga n'abagenda ku kyeyo mu Buwarabu, bangi basooka kusoma byamikono kuba bye bakolayo.

Abayizi 27,460 beewandiisa okutuula ebigezo bino nga 26,912 ba satifikeeti ate 548 dipulooma. Ku bano, 26,312 be baatuula ekiraga nti abayizi 1,148 tebaatuula bigezo ebyaliwo mu November ne December wa 2025.

Ku bano, kwaliko abalenzi 15,595 n'abawala 10,717 nga kino Oyesigye agamba nti kirungi kuba omuwendo gw'abawala gweyongedde okuva ku bitundu 35 ku 100 mu 2024 ku bitundu 41 ku 100 mu 2025.

Yennyamidde olw'omuwendo gw'abayizi ogweyongedde okugwa Okubala n'agamba nti bagenda kukyusa mu nsomesa.



BARDU MUGENYI

Minisita Muyingo (wakati) ng'akwasibwa ebyava mu bigezo.